# Balaze Uganda weetuuse mu kusima amafuta gaayo omwezi gwa

Bya MOSES KIGONGO

GAVUMENTI yategeezezza nti, amafuta ga Uganda gagenda kufuluma mu ttaka gatundibwe mu katale k'ensi yonna okutandika n'omwezi ga July, 2027. Bino abakungu bano abaakulembeddwa minisita w'ebyamasannyalaze n'obugagga obw'omu ttaka, Ruth Nankabirwa, baabyogeredde mu lukiiko olwatuumiddwa "11th Annual Oil and Gas Convention (OGC 2026)" olwabadde e Munyonyo ku Speke Resort omwezi oguwedde.

Oluvannyuma lw'amawulire gano, ***Bukedde*** ekuleetedde engeri enteekateeka z'okusima amafuta gano gye zikwatiddwaamu n'omutendera kwe zituuse, engeri Bannansi gye bagenda okuganyulwamu n'engeri abamu gye bayinza okwetegamu okulya ku ssente n'emikisa gye gagenda okujja nagyo ku mutendera guno.



Ttulakita nga ziteeka payipu z'amafuta e Bunyoro gye buvuddeko. Mu katono ku kkono ye, minisita Ruth Nankabirwa, ate ku ddyo ye, John Bosco Habumugisha owa EACOP.

## OMUTENDERA PULOJEKITI Z'AMAFUTA KWE ZITUUSE

Okusinziira ku Ali Ssekatawa, akulira eby'amawulire n'enkolagana ya kkampuni ya Petroleaum Authority of Uganda-PAU ne kkampuni endala, pulojekiti z'amafuta enkulu ziri ssatu okuli; eya KingFisher esangibwa mu disitulikiti y'e Kikuube, eya Tilenga esangibwa e Buliisa n'eya East African Crude Oil Pipeline-EACOP, ezigenda okusobozesa amafuta g'eggwanga okuva mu ttaka. Wabula waliwo n'endala okuli ey'okuzimba essengejjero ly'amafuta n'etterekero lyago e Mpigi mu kifo ekimanyiddwa nga Namwabula nazo ezigenda mu maaso.

Ku kya Pulojekiti ya KingFisher, Ssekatawa yalaze nti, ebidiba (Oil wells) 15 ku 19 ebyetaagibwa okusimibwa okusobozesa amafuta okuva mu ttaka bimaze okusimibwa n'okuteekebwateekebwa mu kibangirizi kino. Ate ebintu ebirala okuli essengejjero ly'amafuta (Central Processing Facility-CPU) ne payipu ezigenda okutambuza amafuta okuva mu bidiba bino okutuuka ku mudumu gwa EACOP omunene, binaatera okuggwa. Yalaze nti emirimu gy'okuteekateeka ekifo kino gituuse ku bitundu 76.5.

Ku ya Tilenga, omwogezi wa PAU yalaze nti, etuuse ku bitundu 67 okumalirizibwa kubanga mu kiseera kino, ebidiba ebisoba mu 190 bimaze okusimwa n'okutegekebwa okuggya amafuta g'eggwanga mu ttaka. Okutandika okuggya amafuta mu ttaka, abakugu baalaze nti ekifo kino kyetaaga okuba n'ebidiba 170 byokka, kyokka w'osomera bino, omuwendo guno baagusussa dda ekiraga nti, beetegefu okugaggyayo. Ebyetaagisa ebirala okuli essengejjero, ekifo helicopter we zibuukira,